

Embulilira eno yamakulu nyo nga okozesa empeke okujamu olubuto olwe ssabiiti 13 oba olutanaba tuuka ssabiiti ezo singa obeera olubalilide okuva nku lunaku olusooka lwewasebayo okugenda mu songazo ezekikyala.

EMBEERA NGA TOKIRIZIBWA KUKOZESA MIFEPRISTONE NE MISOPROSTOL

Okujamu olubuto nga okozesa empeke tekirina buzibu bwona mu bakyala abasinga, naye waliwo embeera nga tokilizibwa kukozeza mpeke zijjama lubuto.




Misoprostol TAKILIZIBWA nga:

- Nga okozesa eddagala lya **anticoagulants**, nga Heparin ne Warfarin.
- Nga olina **obulwadde bwo kuvamu omusaayi**, nga porphyria.
- Nga olina **adrenal failure** emazeko akabanga.
- Nga olina **allagi ku** Mifepristone, Misoprostol oba prostaglandins
- Nga olina **olubuto olukulidde munseke** (wabweru wanabana)
Okukozesa empeke ezijjama olubuto tekijja kukosa, naye olubuto teluvaamu, era wetaga okulaba omusawo omukugu.



Mifepristone TAKILIZIBWA nga:

- Nga obadde okozesa eddagala lya **steroidisi okumala akadde akawavu** (nga Prednisone ne Dexamethasone).
Naye, osobola okujjama olubuto nga okozesa Misoprostol yekka
-  **Wobba olina akaweta ko munabana (coil), tekakugana kukozeza empeke zijjama lubuto, naye nga:**
- Obuzibu bwo lubuto okukulila munseke nga olina akaweta bweyongera
- Okulumizibwa mundira kuba kunji
- Kilungi okujjama akaweta nga tonaba kukozeza mpeke zijjama lubuto

EMITENDERA EGIKAKASIDWA MU KUJJAMU OLUBUTO NGA OKOZESA MIFEPRISTONE NE MISOPROSTOL



Mifepristone
200 mg
empeke 1



Eburufeni*
400 mg
empeke 2



Misoprostol**
200 mcg
empeke 8

*Tukirira abasawo baffe ababudabuda okwongera ku biika bye mpeke ebilala wobba olina allagi ku Eburufeni.

** Zino empeke zisobola okukyuka mudabiika okusinzira ku nsi yo.


- 1 Mira empeke **emu eya Mifepristone** (mili-gulaamu 200) ng'okozesa amazzi.
Linda mu essawa 24- 48




- 2 Mira empeke **2 eza Eburufeni*** (buli emu ya mili-gulaamu 400).
Lindirira essawa emu



- 3 Teeka empeke **4 eza Misoprostol** (buli emu ya mcg 200) wansi wolulimi.
Empeke 4 eza Misoprostol zilina okubeera wansi wolulimi okumala **eddakiika 30** nga tonaba kumira butundu busigadde nga okozesa amazzi
Lindirira essawa ssatu



- 4 Teeka empeke **endala 4 eza Misoprostol** (buli emu ya mcg 200) wansi wolulimi.
Empeke 4 eza Misoprostol zilina okubeera wansi wolulimi okumala **eddakiika 30** nga tonaba kumira butundu busigadde nga okozesa amazzi



Kyagalibwa nyo okukozesa empeke 8 eza Misoprostol. Bwoba nga tolina busobozi bufuna mpeke 8 eza Misoprostol, awo kozesa empeke 4, yadde nga okukola kwazo kukendera naddala nga olubuto luli wakati wa ssabiti 10-13.

OBUZIBU OBUSIINGA OKUSANGIBWA NGA OKOZESA EMPEKE ZA MISOPROSTOL YEKKA

Oluvannyuma lwo kukozeza Misoprostol, abakyala abamu bafunamu ku buzibu bunu wammanga obusobola okuberawo **okumala akaseera ka essawa ntono.**



okulumwa omutwe



omusujja



okusindikirirwa emmeme/okusesema



empewo



ekkidukano

OBUBONERO OBULAGA AKABENJE NGA OKOZESEZA EMPEKE OKUJJAMU OLUBUTO



Bwoba nga ofunye akamu ku bubonero buno wammanga, kitegere nti olabika oli **mukatyabaga** era olina **okulaba omusawo omukugu** mubwangu ddala:

Okuvaamu omusaayi omunji

Okujjuza paadi bbiri oba okusukkako (nga zijjude omusaayi wansi waayo, nekumabali waayo) mu ssawa emu oba nga tenawera.

Nga kimazze **essawa biri nokusukamu**.



Ebbugumu eliliwaggulu wa diguli asatu mumunaana

Omusujja ogutakka oluvannyuma lwo kumira Iburufeni (oba eddagala eddala eriweeweza ku bulumi).

Nga bumazze essawa eziyiitamu 24 okuva lwewakozeseza empeke ezijjamu olubuto.

Kakasa nti opima nákuuma akapima ebbugumu.



Okufuna allergi

Okufuna okumyukiirira, okusiiyibwa, oba okuzimba kwémikono, ensiingo, wamu némumaaso. Obuzibu mu'kussa, newaba amaze okumira eddagala erya antihistamine.



Omusaayi nga byaawuka ku ogwo ogwénsonga

Omusaaayi nga langi nempunya byanjawulo.



EBYOKWEEWAALA NGA OMAZE OKUKOZESEZA EMPEKE OKUJJAMU OLUBUTO

Mu ssabiiti eziddako nga omaze okukozesa empeke okujjamu olubuto, oba nga mpaka omusaayi guwedeyo, weewale bino **okweewala okugwamu omusaayi oba/ okufuna obulwadde**:

Okukozesa paadi ngeri nnungi ey'okulondoola omusaayi gwo mu nnaku ezisooka ng'oggyamu olubuto, naye oluvannyuma osobola okukyusa n'odda ku tamponi oba akakopo akakwata omusaayi amangu ddala ng'owulira emirembe.



Ddayo mu mirimu **gyo egya bulijjo** (dduyiro, okukola emirimu gyo n'ebirala.) **amangu ddala ng'owulira nga weetegese**.



Osobola okwegatta buli lw'oba **weetegese**; ekisinga obukulu kwe kuwuliriza omubiri gwo n'ebyo by'oyagala.




Nsaba okimanye nti **osobola okuddamu okufuna olubuto nga wayiseewo akaseera katono nnyo ng'oggyemu olubuto**, mu wiiki ntono nga bbiri.



OTEGERA OTYA NTI EMPEKE ZAKOZE


Okukebeera Omusulo (HCG)

- Kisoboka okukolebwa waka
- Okulaga ekitufu kilina okolebwa **nga wayisewo ssabiiti 4** nga omazze okukozesa empeke



Okukebeera omusaayi (HCG)

- Kyetagiisa genda mudwaliro
- Okulaga ekitufu kilina okolebwa **nga wayisewo ssabiiti 4** nga omazze okukozesa empeke



Wetegereze: Kiba kilungi nga wakebeera omusaayi mukusooka nga tonaba kukozesa mpeke zijjamu lubuto okukeraagerany omuwendo gwo mucuuzi.

Akatiivi (scani)

- Kyetagiisa genda mudwaliro
- Okulaga ekitufu kalina okolebwa **nga wayisewo ssabiiti 2** nga omazze okukozesa empeke



Wetegereze: singa kakolebwa nga ssabiiti 2 tezinaba yitawo okuva lwewakozesa empeke, omusaayi ne bitole bisobola okulabikila mukatiivi. Abasawo abakugu bajja gamba nti "olubuto teluwedemu" era ekisobola okuleta okunaza mulubuto.

► **Jjukira nti olubuto okuvamu obulungi kitwala essabiiti 2 oba nokusukawo nga okozeseza empeke.**



Okufuna ebisingawo no'kuyambibwa, tukirira abasawo baffe ababudabuda ku emilo eno **info@safe2choose.org** oba onyumyeko nabo mukiseera ekyo kyenini nku **safe2choose.org/lg**.